# ENNYINGO - 4

## *EBISOOKA KU ESEZA NABWAMI (ENK)*

### 4.1 Obuzaale N'okukula kwa Eseza Nabwami

Eseza Nabwami (ENK) yazaalibwa mu mwaka 1909 ku mirembe gya Ssekabaka Daudi Chwa (Kabaka ow'asatu mwabataano) e Mirembe, Kassanda mu Ssingo. Kitaawe yeyali Asanasiyo Lule Kalumba owe Ffumbe, gwe baakazaako erinnya "Mujugumbya" ery'obwami obwamuweebwa ku Kabaka Suuna. Nyina nga ye Eresi Sanyu Nambi Nabukeera owe Ngabi. Bombi kati beebase Mirembe, Kassanda mu "Kijugumbya". Nabwami yali mukazi Muganda, eyeddira e Ffumbe, akabbiro Kikere. Yali asibuka mu ssiga lya Magunda e Lwanga, mu mutuba gwa Kalumba e Bumoozi Mawokota, mu lunyiriri lwa Byalugano. Byalugano ye yazaala Kasolo Mbalire, jjajja wa Eseza Nabwami.

Kasolo Mbalire, omwana wa Byalugano yazaala abaana bano:

1. Asanasiyo Lule Kalumba "Mujugumbya"
2. Tokiya Mukasa - e Buyinjakibwa
3. Ivan Kampi - e Buyinjakibwa
4. Nekemeya Mulinsike - e Buwaya
5 Ayibu Kiwanuka - e Mubuulo
6. Mikairi Patwe - e Bwakaggo
7. Louise Nakku
8. Mazira
9. Nabayego
10 . Namirembe

Asanasiyo Lule Kalumba Mujugumbya yaliko omugalagala wa Ssekabaka Suuna II (Kabaka ow'abiri mu omwenda). Yali mubuulizi wa njiri mu diini y'e Kikristayo, era nga okubuulira kwe kwamutuusaako e Moroto mu Karamojja, Kitgum mu Acholi, awamu ne Mboga mu Congo, nga bali wamu ne Rev Canon Apollo Kivebulaaya.

### 4.2 Asanasiyo Lule Mujugumbya awasa Eresi Ssanyu

Eresi Ssanyu Nabukeera Nambi yali muwala wa Paulo Ndabiddekunnamusa ow'Engabi, eyalina mailo y'ettaka eyamuwebwa e Kalwanga okulirana omugga Nabakazi mu Ssingo. Nyina nga ye Nanfuka Kulyanyingi.

Nga bwetwamaze okulaba waggulu, Mujugumbya yaliko omugalagala mu lubiri lwa Ssekabaka Suuna II. Ssengaawe Nakibuuka Busirikka yali muzaana, muka Ssekabaka oyo, era eyo Mujugumbya gye yava okugenda okubuulira oba okusomesa enjiri. Olw'ensibuko eye kikungu Mujugumbya gyeyalina, n'obusomesa bw'enjiri, kyamwanguyira mangu nyo okufuna omuwala nga oyo naye eyali ava mu maka age kikungu. Lunzeni Nkambwe ow'Engeye, kojja wa Eresi Ssanyu Nabukeera (mwanyina wa Nanfuka Kulyanyingi, nyina Eresi) eyali abeera e Ssisa, naye yali mukungu wa Kabaka mu kitundu ekyo. Okugenda okuwasa, Mujugumbya yali mu mulimu gwe ogw'Obubuulizi bwe njiri. Baafumbiriganwa mu bufumbo obutukuvu, mu diini ye ki Kristayo, nga bagattirwa mu Lutikko e Namirembe, bwe yali ekyali ya ssubi. Kigambibwa nti embaga yabwe yali ya kikungu, engeri gye yayogerwako ennyo nti yali makuge.

### 4.3 Asanasiyo Lule Mujugumbya afuna mailo ye Mirembe

Olw'okuba Mujugumbya yali mugalagala wa Ssekabaka Ssuna II ate nga mubuulizi wa Njiri, yafuna

omukisa okuba ku mwanjo gw'Abakungu abaafuna ettaka mu Buganda, amale awebwe mailo ye Mirembe e Kassanda, ye gyeyatuuma e Kijugumbya. Olwo yali n'owuwe Eresi.

Asanasiyo Lule Kalumba Mujugumbya ne Eresi Ssanyu baazaala abaana musanvu, omulenzi omu n'abawala mukaaga, era be bano:-

1. Damasiko Eryeza Kawesa
2. Sofia Nanteza "Nakibuuka"
3. Eseza Nabwami "Sizannya" (yazaalibwa 1909)
4. Mesulemi Nakku
5. Yunia Nandawula Nawakkoonyi (yazaalibwa 1917)
6. Agnes Nabbumba
7. Annet Emima Mbejjerezo

Eresi Ssanyu Nabukeera Nambi yalina muto we Kerudiya Namazzi, kitaabwe Paulo Ndabiddekunamusa bweyali abazaala. Eresi bwamala okufumbirwa Mujugumbya, nga basenze e Mirembe Kassanda, naye kwe kwagala mugandawe Kerudiya ajje abeere kumpi naye awo. Era Kerudiya aba ali e Kassanda eyo, Eresi kwe kumufunira omusajja afumbirwe asigalire ddala awo kumpi naye. Bwatyo n'amufunira omusajja, nga naye wa Ffumbe, erinnya lye Yoswa Sserunyiigo, mutabani wa Lazaalo Buliggwanga, n'amuwasa, ne bazaala abaana baabwe bano:

1. Lazaalo Ssengendo Kibuuka
2. Musa Ssempala
3. Edisa Zawedde
4. Dunstan Leonard Sserunyiigo Kasolo
5. Geresomu Kisitu
6. Ludia Nalubwama
7. Lucia Mboge
8. Luusi Nabakka
9. Paulo Kabula Ndabidde
10. Ewudiya Nakku Kyabangi
11. Elizabeth Nangonzi

Yoswa Sserunyiigo ne Asanasiyo Lule Mujugumbya ne baba ba mukwano nnyo, nga basangi ne basangi. Abaana babwe ne bakulira wamu bonna nga ab'oluganda lwennyini, ab'oluggya olumu, bonna bazzukulu ba Paulo Ndabiddekunnamusa.

### 4.4 Erinnya "Sizannya" nga bweryajja

Eseza Nabwami yasikira ba Sengaabe basatu (anti yali muganzi nyo mu kika kye Ffumbe, mu luggya lwa Asanasiyo Lule Mujugumbya). Kigambibwa nti omu ku bassengaabe abo Maria Rosa Nakku yali mukambwe nyo, nga abamu bagamba mbu yalina empewo z'omuzimu gwebaayitanga Sizannya. Bweyabanga alina kyayagala kimukolerwe, kyokka omuntu neyesisiggiriza, nga akambuwala yenna, nga yesooza nga n'okulaya bwataddeko nti "Vaawo awo, situkiramu, anti nze sizannya". Oli bw'ataasitukirangawo mangu, nga amukuba. Sengaawe oyo Maria Rosa Nakku ye yazaalanga Joseph Kabenge Kazamiti, kitaawe wa Philip Sseruwagi Namukadde. Eseza Nabwami bwe yasikira

Sengaaawe oyo, erinnya n'obukambwe nabyo kwe kubisikira. Anti Eseza naye yalinamu obukambwe - abaana be abakulu baabumanya nnyo, newankubadde kirabika abato we baakulira, yali obukambwe bugenda bumuggwamu; n'olwekyo tebaabumanya kimala.

### 4.5 Okusoma kwa Eseza Nabwami

ENK okutandika okusoma yatandikira Nsooloolo mu Ssingo mu bibiina ebisooka. Bweyava eyo n'agenda e Makonzi gyeyamalira Primary 4. Nava eyo n'agenda e Namukozi, Mityana gyeyamalira Primary 6, olwo nga aweza egy'obukulu emyaka 15.

### 4.6 Eseza Nabwami akula ne mukulu we Sofia Nanteza

Mwannyina wa Asanasiyo Lule Mujugumbya, Louise Nakku, yali afumbiddwa Yokana Kamya Kajjongolo eyali omwami owe Gombolola ye Kassanda mu Singo. Yeyali mukyala we omukulu ow'Empeta. Omukyala ono engeri gyeyali omuganzi ennyo mu maka ga Kajjongolo yasaba mwanyina Mujugumbya amuwe omwana wabo Sofia Nanteza, bagende bafumbe naye ewa bbaabwe oyo. Ekyo nga kimaze okutuukirira, Kajongolo yasalawo okutwala Sofia Nanteza mu makaage geyalina e Lungujja ku kibuga aleme kufumba na Senga we nga bali wamu. Eseza Nabwami yakulirako mu maka ga Kajjongolo e Lungujja, naddala mu kuwummula kwa masomero. Mukuluwe Sofia Nanteza nga y'alinga omukuzaawe. Mu kuwummula kwa masomero abaana ba Kajjongolo baagendanga okuwummula mu makaage ag'okukibuga e Lungujja. Eyo gye bakwanaganya ne Eseza Nabwami. Nga embeekuulo eba nnene wakati we ne banne, naddala Yuniya Nabayego oluvanyuma eyafumbirwa Kamaanyi, Asanasiyo Masembe - eyaliko omukulu w'olubiri lwa Ssekabaka Muteesa II, ne Kulanima Kabali - gwe baakazaako erya Lulalama.

### 4.7 Sofia Nanteza ava ewa Yokana Kamya Kajjongolo

Sofia Nanteza, oluvanyuma lwa Jajjawe (senga wa kitaawe) Nakibuuka Busirikke eyali omuzana (omukyala) muka Sekabaka Suna II okumala okufa n'asikirwa Mangadalena Namubiru mu bukyamu, kyazulwa nga eyandibadde amusikira yandibadde ava mu nyumba ya Asanasiyo Lule Mujugumbya. Ekyo bwekyamala okuzulwa nga bwekiri Mujugumbya kwekuddira omwana omuwala omukulu Sofia Nanteza n'amuwayo asikire Jjajjaawe oyo. Ekyaddirira kwali kumusabayo ewa bba Yokana Kamya Kajjongolo, era naye ataasibamu kumukkiriza. Olwamala okusika, Sofia Nanteza kwekugenda n'abeera mu kibanja kya Jjajjaawe oyo ekyali kimuwerebbwa eky'obukyala, e Mulago ku Mawanda Road (oluguudo oluva ku lwe Gayaza okwambuka ku byuma bya masanyalaze). Ewa bba Kajjongolo teyaddirayo ddala, kubanga edda mu mpisa za Baganda nga omuzana, muka Ssekabaka, taddayo kufumbirwa, wadde n'amusikidde. Olwo kwekwongerwako erinya ly'omuzana oyo Nakibuuka, n'afuuka Sofia Nanteza Nakibuuka.

### 4.8 Eseza Nabwami ava e Kassanda okudda ewa mukuluwe e Mulago

Nga Nakibuuka amaze okukkalira mu kifundikwa ky'obukyala (okusikira eyali muka Sekabaka Suuna II), yasaba kitaawe amukkirize ayongere okubeere n'omwana waabo Eseza Nabwami, eyali amaze okusoma mu kiseera ekyo. Kitaabwe Mujugumbya naye teyagaana. Olwo Eseza kwe kuva e Kassanda, Singo nadda e Mulago ku kibuga. Awo yali aweza egy'obukulu nga kumi na mukaaga (16). Era waliwo nabenganda abalala abajja okusenga ku kibanja ekyo. Gamba nga kitaawe omuto (muganda wa kitaawe) Erisa Googwa.